

25th February 2018.

EBY'OBUWEEREZA BWA BAKABONA.

Okuva 30.

Nga twongera okusomesebwa ku biragiro Mukama bye yawa Musa eby'enzimba n'enteekateeka z'emirimu gy'omu Weema Entukuvu, mwe tuyigirizibwa bingi nnyo okuva mu ssuula 25, kw'ebyo byonna ebyaali eby'okussa mu Weema munda, eby'okugizimbisa n'enzimba y'ayo, eby'omuluggya lwayo, awamu n'eby'ennyambala ya Bakabona, n'emikolo gy'okwawulwa kwaabwe.

Leero tutandika okulaba okuwunzikibwa kw'ebiragiro bino mu ssuula ey'asatu, omuli ebiragiro ku kkolebwa kw'ekyoto eky'obubaane n'emirimu gy'akwo; ekiweebwaayo olw'okwetangirira; ebbensani ey'ekikomo enaabirwamu; amafuta ag'okusiiiga n'enkozesa y'ago; awamu n'ebyakaloosa ak'okwooterezanga ku Kyoto ekya zzaabu.

Tusome nny. 1-10.....

Nga bwe gwaali nti buli kyaali mu Weema kyaali kifaananyi era ekisongerezo eri Yesu Kristo, ekyoto kino okwawukana ne kye twaalaba mu ssuula 27 eky'ekikomo era ekyaali ebweeru wa Weema nga n'okuba kigazi era kigulumivu ku kino, kkyo kikiikirira obuweereza bwa Yesu Kristo obw'oluvannyuma era obw'ebiro bino, mwaali mu ttuwolereza eri Mukama Katonda Kitaffe mu maaso g'entebe ey'ekisa, era nga bwe kyaalagirwa okuteekwa mu maaso g'eggigi awali essanduuko ey'endagaano, awali ekisaanikira, - entebe ey'okusaasira. Kubanga Kristo atutuukirira eri Kitaffe ng'omuwolereza waffe (I Yok. 2:1; Baeb.7:24,25.), era obuweereza bwe ng'okusaba kwonna bwe kuli bulinga akaloosa akawoomu eri Mukama. Era ekyoto kyaaliko omuge kubanga Yesu Kristo atuwolereza nga Kabaka ow'ekitiibwa, kye kikibeesaako ne zzaabu. Okwawukana n'eky'ekikomo okwayokebwanga ssaddaaka, ekyaakiikirira okujja kwe okwasooka bwe yajja okwewaayo olw'omusango gw'ekibi. Nate nakyo kyaaliko amayembe okukiikirira obuyinza bw'okusaba kw'okwegayiririra. Emirundi egilagirwa okwotezangako tulaba nga bwe twaalaba omulundi oguwedde nti buli makya n'akawungeezi kitweetaaza okweewangayo eri Mukama mu kusaba, era okuba nti n'ettaala lwe yalongoosebwanga n'okkumwa kiraga obukulu bw'okuba mu kigambo kya Mukama buli lwe tuba mu kubeerawo kwe nga tusaba....

Tusome 11-16.....

Ekiweebwaayo kino oluvannyuma kye kyaafuulwa omusolo gw'omuyeeakaalu, oba mujjukira Yesu gwe yatuma Peetero okujja mu kyennyanya.(Matayo 17:27).

Nti kyaweebwangayo okukiikirira okuba nti emmeeme za buli omu za ky'enkanyi eri Mukama atasosola mu bantu, kubanga abagagga balina obweetaavu bwe bumu obwa Yesu Kristo ng'abaavu ate abaavu baanirizibwa ky'ekimu gyaali ng'abagagga. Okuwaayo kw'akyo kwaali kwasanguza nti obulamu bwaabwe bwaabeesebwangawo Mukama, era sseente zaakozesebwanga ggula byaali bikozezebwa mu buweereza bw'omu Weema era ne Yeekaalu oluvannyumako.

Era tujjukira Kabaka Dawudi bwe yabala abaana ba Yisirayiri nga takozesezza kiweebwaayo kino bwe baatokomoka kawumpuli...emitwaalo musanvu ne bafa (I Eby'omumirembe 21).

Tusome 17-21.....

Omuntu kye yaddangako okulaba ng'ayingidde mu luggya lwa Weema oluvannyuma lw'ekyoto eky'ekikomo kyaali bbensani eno ey'ekikomo, omwaali amazzi ag'okunaaba, Bakabona ge baakozesanga okwelongoosa. Agaakiikiriranga obweetaavu bw'okuba abalongoofu mu buweereza bwaabwe nga balongoosebwa ekigambo [Yokaana 15:3... "Mmwe kaakano muli balongoofu olw'ekigambo kye mbagambye..."] ; [Abaefeso 5:26... "Yaginaaza n'amazzi, n'agitukuza n'ekigambo kye"]. Bwe weetegereza Dawudi mu Zabbuli 26 alaga obweetaavu bw'okwelongoosanga okusobola okuba ng'ajja ku Kyoto kya Mukama....(6).

Tusome 22-33.....

Bino bye byaali ebinunuggo by'amafuta ag'Okusiiga (Anointing oil), ge baalinanga okkozesa okusiiga mu kutongoza Bannabbi, Bakabona ne Bakabaka. Amafuta mu byawandiikibwa kabonero ka Mwoyo Omutukuvu, era nga bwe guli nti okubeerwa kwe kwokka kwe kusobozesa obuweereza eri Mukama Katonda, bwe gutyo Mukama agamba mu Inny.30..... kye twaalaba mu biragiyo ebyaweebwa omulundi oguwedde ku byakolebwanga okumala ennaku omusanvu, kyokka mu nkola y'amafuta gano Mukama akkaatiriza obutukuvu bw'amafuta gano, Inny.32b.....

Tusome 34-38.....

Bino bye byaali ebinunuggo by'akaloosa nako akaali ak'omuwendo ennyo era akaawule eri Mukama, ke tulaba katabulwamu omunnyo okuba ebirongoofu era nga bitukuvu. Paulo Omutume agamba mu Bakkolosaayi 4:6 "Enjogera yammwe ebeerenga ya kisa, era ng'enoga omunnyo, mulyoke mumanye eky'okwanukulanga buli muntu yenna."

Nkikakasa nga bwe tumanyi nti Mukama waffe Yesu Kristo bwatyo bwe yayanukulanga buli omu, mu kisa, wadde ng'era mwaalimu emirundi gye yalangiranga abafalisayo, tumanyi nti obuweereza bwe obw'ekisa ekingi kya kulabirako gyetuli Bakabona be, beyatongoza n'Omwoyo Omutukuvu okufuba okuba nga Yye mu njogera n'empisa ezitwaawula ng'abakristaayo – 'Abalinga Kristo'